# Aba Ugachick baleese enkoko z'abawanguzi ba Gabula Ssekukkulu

Bya PATRICK KIBIRANGO

KKAMPUNI ya Ugachick Poultry Breeders Limited, egenda kuwa abasomi ba ***Bukedde*** bannamukisa enkoko ya Ugachick kabedwa gye banaafumba ku Ssekukkulu bagiyitemu nga basolobeza.

Ugachick emanyiddwa nga kkampuni ekyasinze okubeera n'enkoko empoomu mu ggwanga lino n'ebweru waalyo.

Akulira olupapula lwa ***Bukedde***, Michael Mukasa Ssebbowa ne ttiimu ya ***Bukedde*** baakyaddeko mu kkampuni eno e Magyige, ne balambuzibwa emisoso gyonna enkoko y'abawanguzi mw'eyisibwa okuva lw'esalibwa n'erongoosebwa era n'eterekebwa bulungi mu bifo ebinnyogoga. Enkoko eno bw'eba eterekeddwa bulungi esobola okuweza omwaka nga teyononese.

Ssebbowa yeebazizza nnyo Ugachick olw'okubeera nga buli mwaka beegatta ku ***Bukedde*** okuwa abantu Ssekukkulu gye batajja kwerabira.

Yagambye nti enkoko ya Ugachick bagikakasizza nga nnungi ddala ate nga teseerebwa bwatyo n'akunga abantu okugyettanira kubanga nabo beewaayo okuddizanga ku bantu.

PATRICK KIBIRANGO




**Akulira olupapula lwa Bukedde, Micheal Mukasa Ssebbowa (ku kkono), avunaanyizibwa ku mutindo mu Ugachick , Suzan Nyakato ne James Kiwalabye akulira ba kitunzi ba Ugachick nga bakutte enkoko egenda okuweebwa abawanguzi.**

Yasiimye abakulira kkampuni eno okuli Aga Ssekalaala Sr. ne Aga Ssekalaala Jr. okulaba nti tebaliiwo kukola bukozi ssente mu bantu naye babaddizaako. Yakunze abantu okwongera okugula olupapula lwa ***Bukedde*** bagende ku muko ogwokubiri bajjuzeemu akakonge ebibakwatako bakawe atunda amawulire gaffe oba okaleete ku ***Bukedde*** oba beetabye butereevu mu mukisa gw'okuwangula. Jjukira nti gy'okoma okujjuza gy'okoma okwongera emikisa gy'okuwangula.

Avunaanyizibwa ku mutindo mu Ugachick, Suzan Nyakato, yakkaatirizza nti enkoko yaabwe eyita mu mitendera emituufu ng'era balina satifikeeti ez'ensi yonna okuli; ISO, UNBS, QMARK n'endala. Agamba nti omuntu yenna bw'alya ku nkoko yaabwe asigala ayagala okugirya ebbanga lyonna.

Akulira bakitunzi ba Ugachick, James Kiwalabye, yeebazizza bakasitoma ba Ugachick okuviira ddala ku babagulako obukoko obuto n'emmere okutuuka ku bagula enkoko ensale.

Yagambye nti baasalawo okukwatira wamu ne ***Bukedde*** okwebaza bakasitoma nga basalawo okusanyuka nabo mu nteekateeka ya Gabula Ssekukkulu mu Vayibu.

Yannyonnyodde nti enkoko yaabwe eri halaali mu bipimo eby'enjawulo okuli; kkiro emu, ebbiri, ettaano, ennamba eteri nsale ey'okuteeka ku luti ng'oyokya n'ebitundutundu ebisaliddwa ng'omuntu alya okusinziira ku bwetaavu bwe n'obunene bwa ffamire gy'alina.

Yategeezezza nti enkoko yaabwe ebunye eggwanga lyonna nga buli muntu w'ali asobola okugisangawo

Yagasseeko nti, enkoko kintu ekitalina kuliibwa ku Ssekukkulu kwokka wabula erina kuliibwa buli lunaku ng'osobola okuginyweera ku caayi, ekyemisana n'ekyeggulo ate ng'ejja mangu.

Ng'oggyeeko enkoko ya Ugachick, waliwo ebirabo ebirala eby'okuwangula okuli ekyapa ky'ettaka ekyaweebwayo B-Clara H property services Ltd, TV ya StarTimes ejjudde okuli ekisowaani, 'decoder', solar n'ebirala.